

| LUGANDA | NEW INTERNATIONAL VERSION |
|--|--|
| Koseya 1 | Hosea 1 |
| 1:1 Ekigambo kya Mukama ekyajjira Koseya mutabani wa Beeri mu mirembe gya Uzziya, Yosamu, Akazi, ne Keezeekiya, bassekabaka ba Yuda, ne mu mirembe gya Yerobowaamu mutabani wa Yowaasi, kabaka wa Isiraeri. | 1:1 The word of the Lord that came unto Hosea, the son of Beeri, in the days of Uzziah, Jotham, Ahaz, and Hezekiah, kings of Judah, and in the days of Jeroboam the son of Joash, king of Israel. |
| 1:2 Mukama bwe yasooka okwogerera mu Koseya, Mukama n'agamba Koseya nti Genda owase omukazi ow'obwenzi n'abaana ab'obwenzi: kubanga ensi eyenda obwenzi obungi, ng'eva ku Mukama. | 1:2 The beginning of the word of the Lord by Hosea. And the Lord said to Hosea, Go, take unto thee a wife of whoredoms and children of whoredoms: for the land hath committed great whoredom, departing from the Lord. |
| 1:3 Awo n'agenda n'awasa Gomeri muwala wa Dibulayimu; n'aba olubuto n'amuzaalira omwana wa bulenzi. | 1:3 So he went and took Gomer the daughter of Diblaim; which conceived, and bare him a son. |
| 1:4 Mukama n'amugamba nti Mutuume erinnya lye Yezuleeri; kubanga ekyasigaddeyo ekiseera kitono mpalane omusaayi gwa Yezuleeri ku nnyumba ya Yeeku, era ndikomya obwakabaka obw'ennyumba ya Isiraeri. | 1:4 And the Lord said unto him, Call his name Jezreel; for yet a little while, and I will avenge the blood of Jezreel upon the house of Jehu, and will cause to cease the kingdom of the house of Israel. |
| 1:5 Awo olulituuka ku lunaku olwo ndimenyera omutege gwa Isiraeri mu kiwonvu kya Yezuleeri. | 1:5 And it shall come to pass at that day, that I will break the bow of Israel, in the valley of Jezreel. |
| 1:6 Awo n'aba olubuto nate n'azaala omwana wa buwala. Awo Mukama n'amugamba ati Mututtme erinnya lye Lolukama: kubanga sikyakwatirwa kisa ennyumba ya Isiraeri, mbasonyiwe n'akatono. | 1:6 And she conceived again, and bare a daughter. And God said unto him, Call her name Loruhamah: for I will no more have mercy upon the house of Israel; but I will utterly take them away. |
| 1:7 Naye ndikwatirwa ekisa ennyumba ya Yuda, era ndibalokola ne Mukama Katonda waabwe, so siribalokola na mutego newakubadde ekitala newakubadde olutalo newakubadde embalaasi newakubadde abazeebagadde. | 1:7 But I will have mercy upon the house of Judah, and will save them by the Lord their God, and will not save them by bow, nor by sword, nor by battle, by horses, nor by horsemen. |
| 1:8 Awo bwe yamala okuggya Lolukama ku mabeere, n'aba olubuto n'azaala omwana wa bulenzi. | 1:8 Now when she had weaned Loruhamah, she conceived, and bare a son. |
| 1:9 Mukama n'ayogera nti Mumutuume erinnya Lowami: kubanga mmwe temuli bantu bange, nange siriba Katonda wammwe. | 1:9 Then said God, Call his name Loammi: for ye are not my people, and I will not be your God. |
| 1:10 Era naye omuwendo gw'abaana ba Isiraeri guliba ng'omusenyu ogw'ennyanya ogutayinzika kupimibwa newakubadde okubalibwa; kale olulituuka mu kifo mwe baagambirwa nti Mmwe temuli bantu bange, we baligambirwa nti Mmwe muli baana ba Katonda omulamu. | 1:10 Yet the number of the children of Israel shall be as the sand of the sea, which cannot be measured nor numbered; and it shall come to pass, that in the place where it was said unto them, Ye are not my people, there it shall be said unto them, Ye are the sons of the living God. |

| LUGANDA | NEW INTERNATIONAL VERSION |
|---|--|
| 1:11 Awo abaana ba Yuda n'abaana ba Isiraeri balikutlslaanyizibwa, era balyerondera omutwe gumu, ne bambuka okuva mu nsi: kubanga olunaku lwa Yezuleeri luliba lukulu. | 1:11 Then shall the children of Judah and the children of Israel be gathered together, and appoint themselves one head, and they shall come up out of the land: for great shall be the day of Jezreel. |
| Koseya 2 | Hosea 2 |
| 2:1 Mugambe baganda bammwe nti Ami; era mugambe bannyammwe nti Lukama. | 2:1 Say ye unto your brethren, Ammi; and to your sisters, Ruhamah. |
| 2:2 Muwoze ne nnyammwe, muwoze: kubanga si mukazi wange, so nange siri bba: era aggyewo obwenzi bwe okuva mu maaso ge, n'obukaba bwe okuva wakati w'amabeere ge; | 2:2 Plead with your mother, plead: for she is not my wife, neither am I her husband: let her therefore put away her whoredoms out of her sight, and her adulteries from between her breasts; |
| 2:3 nme okumwambulira ddala, ne mmuteekawo nga bwe yali ku lunaku kwe yazaalirwa, ne mmufuula ng'eddungu, ne mmuteekawo ng'ensi enkalu, ne mmussa ennyonta; | 2:3 Lest I strip her naked, and set her as in the day that she was born, and make her as a wilderness, and set her like a dry land, and slay her with thirst. |
| 2:4 weewaawo, abaana be siribasaasira; kubanga baana ba bwenzi. | 2:4 And I will not have mercy upon her children; for they be the children of whoredoms. |
| 2:5 Kubanga nnyaabwe yeefuula omwenzi: eyabazaala yawemuka: kubanga yayogera nti Ndigoberera baganzi bange abampa emmere yange n'amazzi gange, ebyoya byange n'obugooowa bwange, amafuta gange n'ebyangwe ebyokunywa. | 2:5 For their mother hath played the harlot: she that conceived them hath done shamefully: for she said, I will go after my lovers, that give me my bread and my water, my wool and my flax, mine oil and my drink. |
| 2:6 Kale, laba, ndiziba ekkubo lyo n'amaggwa, era ndimukomera olukomera aleme okulaba empitiro ze. | 2:6 Therefore, behold, I will hedge up thy way with thorns, and make a wall, that she shall not find her paths. |
| 2:7 Era aligoberera baganzi be, naye talibatuukako; era alibanoonya, naye talibalaba; kale n'alyoka ayogera nti Naagenda ne nzirayo eri baze eyasooka; kubanga mu biro ebyo nabanga bulungi okusinga kaakano. | 2:7 And she shall follow after her lovers, but she shall not overtake them; and she shall seek them, but shall not find them: then shall she say, I will go and return to my first husband; for then was it better with me than now. |
| 2:8 Kubanga teyamanya nga nze namuwanga e**aano n'omwenge n'amafuta, ne mmwongerako ffeeza ne zaabu bye baaweerezesa Baali. | 2:8 For she did not know that I gave her corn, and wine, and oil, and multiplied her silver and gold, which they prepared for Baal. |
| 2:9 Kyendiva nkomyawo entlaano yange mu ntuuko zaayo, n'omwenge gwange mu kiseera kyagwo, ne nziyawo ebyoya byange n'obugooowa bwange, ebyandibisse ku nsonyi ze. | 2:9 Therefore will I return, and take away my corn in the time thereof, and my wine in the season thereof, and will recover my wool and my flax given to cover her nakedness. |
| 2:10 Awo kaakano naayolesa obukaba bwe baganzi be nga balaba, so tewaliba alimuwonya mu mukono gwange. | 2:10 And now will I discover her lewdness in the sight of her lovers, and none shall deliver her out of mine hand. |

| LUGANDA | NEW INTERNATIONAL VERSION |
|--|--|
| 2:11 Era ndikomya ebinyumu bye byonna, embaga ze, emyezi gye egyakaboneka, ne ssabbiiti ze, n'okuku**aana kwe kwonna okutukuvu. | 2:11 I will also cause all her mirth to cease, her feast days, her new moons, and her sabbaths, and all her solemn feasts. |
| 2:12 Era ndizisa emizabbibu gye n'emitiini gye, gye yayogerako nti Gino ye mpeera yange baganzi bange gye bampadde: era ndigifuula ekibira, n'ensolo ez'omu nsiko zirigirya. | 2:12 And I will destroy her vines and her fig trees, whereof she hath said, These are my rewards that my lovers have given me: and I will make them a forest, and the beasts of the field shall eat them. |
| 2:13 Era ndimubonereza olw'ennaku za Babaali be yayoterezanga obubaane; bwe yeeyonja n'empeta ze ez'omu matu n'eby'obuyonjo bwe n'agoberera baganzi be, ne yeerabira nze, bw'ayo gera Mukama. | 2:13 And I will visit upon her the days of Baalim, wherein she burned incense to them, and she decked herself with her earrings and her jewels, and she went after her lovers, and forgot me, saith the Lord. |
| 2:14 Kale, laba, ndimusendasenda, ne mmuleeta mu ddungu, ne mmugamba ebigambo ebisanyusa. 1 | 2:14 Therefore, behold, I will allure her, and bring her into the wilderness, and speak comfortably unto her. |
| 2:5 Era ndimuwa ensuku ze ez'emizabbibu nga nnyima eyo, n'ekiwonvu kya Akoli okuba oluggi olw'okusuubira: era aliyima eyo okuddamu nga mu nnaku ez'obuto bwe, era nga mu nnaku lwe yalinnya okuva mu nsi y'e Misiri. | 2:15 And I will give her her vineyards from thence, and the valley of Achor for a door of hope: and she shall sing there, as in the days of her youth, and as in the day when she came up out of the land of Egypt. |
| 2:16 Awo olulituuka ku lunaku olwo, bw'ayogera Mukama, olimpita Isi; so tokyampita Baali. | 2:16 And it shall be at that day, saith the Lord, that thou shalt call me Ishi; and shalt call me no more Baali. |
| 2:17 Kubanga ndiggya mu kamwa ke amannya ga Babaali, era nga tebakyyatulwa amannya gaabwe. | 2:17 For I will take away the names of Baalim out of her mouth, and they shall no more be remembered by their name. |
| 2:18 Awo ku lunaku olwo ndibalagaanira, endagaano n'ensolo ez'omu nsiko n'ennyonyi ez'omu bbanga n'ebintu eby'ettaka ebyewalula: era ndimenya omutege n'ekitala n'olutalo okuva mu nsi, era ndibagalamiza mirembe. | 2:18 And in that day will I make a covenant for them with the beasts of the field and with the fowls of heaven, and with the creeping things of the ground: and I will break the bow and the sword and the battle out of the earth, and will make them to lie down safely. |
| 2:19 Era ndikwogerereza ennaku zonna; weewaawo, ndikwogereza mu butuukirivu ne mu musango ne mu kisa ne mu kusaasira. | 2:19 And I will betroth thee unto me for ever; yea, I will betroth thee unto me in righteousness, and in judgment, and in lovingkindness, and in mercies. |
| 2:20 Ndikwogereza mu bwesigwa: era olimanya Mukama. | 2:20 I will even betroth thee unto me in faithfulness: and thou shalt know the Lord. |
| 2:21 Awo olulituuka ku lunaku olwo ndiyitaba, bw'ayogera Mukama, ndiyitaba eggulu, nalyo liriyyitaba ensi; | 2:21 And it shall come to pass in that day, I will hear, saith the Lord, I will hear the heavens, and they shall hear the earth; |
| 2:22 n'ensi eriyitaba entpano n'omwenge n'amafuta; nabyo biriyitaba Yezuleeri. | 2:22 And the earth shall hear the corn, and the wine, and the oil; and they shall hear Jezreel. |

| LUGANDA | NEW INTERNATIONAL VERSION |
|--|---|
| 2:23 Era ndimusiga gye ndi mu nsi; era ndisaasira oyo ataasaasirwa; era ndigamba abo abataali bantu bange nti Mmwe muli bantu bange; nabo balyogera nti Ggwe oli Katonda wange. | 2:23 And I will sow her unto me in the earth; and I will have mercy upon her that had not obtained mercy; and I will say to them which were not my people, Thou art my people; and they shall say, Thou art my God. |
| Koseya 3 | Hosea 3 |
| 3:1 Awo Mukama n'a**amba nti Genda nate, oyagale omukazi ayagalibwa mukwano gwe, era omwenzi, era nga Mukama bw'ayagala abaana ba Isiraeri, newakubadde nga bakyukira bakatonda abalala ne baagala ebitole by'ezabbibu enkalu. | 3:1 Then said the Lord unto me, Go yet, love a woman beloved of her friend, yet an adulteress, according to the love of the Lord toward the children of Israel, who look to other gods, and love flagons of wine. |
| 3:2 Awo ne mmwegulira ne mmuwasa n'ebitundu ebya ffeeza kkumi n'ebitaano ne komeri eya sayiri ko ekitundu eky'ekomeri eya sayiri: | 3:2 So I bought her to me for fifteen pieces of silver, and for an homer of barley, and an half homer of barley: |
| 3:3 ne mmugamba nti Olibeerera awo ku lwange ennaku nnyingi; tolyefuula mwenzi, so toliba muka musajja yenna: nange bwe ndiba bwe ntyo gy'oli. | 3:3 And I said unto her, Thou shalt abide for me many days; thou shalt not play the harlot, and thou shalt not be for another man: so will I also be for thee. |
| 3:4 Kubanga abaana ba Isiraeri balibeerera awo ennaku nnyingi nga tebalina kabaka so nga tebalina mulangira so nga tebalina ssaddaaka so nga tebalina mpagi so nga tebalina kizibawo kya kabona newakubadde baterafi: | 3:4 For the children of Israel shall abide many days without a king, and without a prince, and without a sacrifice, and without an image, and without an ephod, and without teraphim: |
| 3:5 oluvannyuma abaana ba Isiraeri balikomawo ne banoonya Mukama Katonda waabwe ne Dawudi kabaka waabwe; era balijja eri Mukama nga batya n'eri obulungi bwe mu nnaku ez'oluvannyuma. | 3:5 Afterward shall the children of Israel return, and seek the Lord their God, and David their king; and shall fear the Lord and his goodness in the latter days. |
| Koseya 4 | Hosea 4 |
| 4:1 Muwulire ekigambo kya Mukama, mmwe abaana ba Isiraeri: kubanga Mukama alina empaka n'abo abali mu nsi, kubanga tewali mazima newakubadde okusaasira newakubadde okumanya Katonda mu nsi. | 4:1 Hear the word of the Lord, ye children of Israel: for the Lord hath a controversy with the inhabitants of the land, because there is no truth, nor mercy, nor knowledge of God in the land. |
| 4:2 Tewali kintu wabula okulayira n'okumenya endagaano n'okutta n'okubba n'okwenda; bawaguza, n'omusaayi gukoma ku musaayi. | 4:2 By swearing, and lying, and killing, and stealing, and committing adultery, they break out, and blood toucheth blood. |
| 4:3 Ensi kyeriva ewuubaala, na buli muntu agituulamu aliyongobera, wamu n'ensolo ez'omu nsiko n'ennyonyi ez'omu bbanga; weewaawo, n'ebyennyanya ebiri mu nnyanja biriggibwawo. | 4:3 Therefore shall the land mourn, and every one that dwelleth therein shall languish, with the beasts of the field, and with the fowls of heaven; yea, the fishes of the sea also shall be taken away. |

| LUGANDA | NEW INTERNATIONAL VERSION |
|---|---|
| 4:4 Era naye waleme okubaawo omuntu awakana so waleme okubaawo anenya: kubanga abantu bo bali ng'abo abawakanya kabona. | 4:4 Yet let no man strive, nor reprove another: for thy people are as they that strive with the priest. |
| 4:5 Era olyesittala emisana, era ne nnabb: alyesittalira wamu naawe ekiro; era ndizikiriza nnyoko. | 4:5 Therefore shalt thou fall in the day, and the prophet also shall fall with thee in the night, and I will destroy thy mother. |
| 4:6 Abantu bange bazikiridde olw'okubulwa okumanya: kubanga ogaanyi okumanya nange ndikugaana ggwe, olemenga okubeera kabona gye ndi: kubanga weerabidde amateeka ga Katonda wo, nange adyerabira abaana bo. | 4:6 My people are destroyed for lack of knowledge: because thou hast rejected knowledge, I will also reject thee, that thou shalt be no priest to me: seeing thou hast forgotten the law of thy God, I will also forget thy children. |
| 4:7 Nga bwe baayala, bwe batyo bwe bannyonoona: ndiwaanyisa ekiti bwa kyabwe okuba ensonyi. | 4:7 As they were increased, so they sinned against me: therefore will I change their glory into shame. |
| 4:8 Ekibi ky'abantu bange ye mmere yaabwe, ne beegomba obutali butuukirivu bwabwe. | 4:8 They eat up the sin of my people, and they set their heart on their iniquity. |
| 4:9 Awo olulituuk; ng'abantu bwe bali ne kabona bw'atyo: era ndibabonereza olw'ama kubo gaabwe, era ndibasasula ebikolwa byabwe. | 4:9 And there shall be, like people, like priest: and I will punish them for their ways, and reward them their doings. |
| 4:10 Awo balirya ne batakkuta; balyenda so tebalyala: kubanga baleseeyo okussaayo omwoori Mukama. | 4:10 For they shall eat, and not have enough: they shall commit whoredom, and shall not increase: because they have left off to take heed to the Lord. |
| 4:11 Obwenzi n'onwenge n'omwenge omusu bimaawo okutegeera | 4:11 Whoredom and wine and new wine take away the heart. |
| 4:12 Abantu bange beebuza ku kikonge kyabwe, n'omuggo gwabwe gwe gubabuira: kubanga omwoyo ogw'obwenzi gubakyamizza, era bagenze nga benda okuva wansi wa Katonda waabwe. | 4:12 My people ask counsel at their stocks, and their staff declareth unto them: for the spirit of whoredoms hath caused them to err, and they have gone a whoring from under their God. |
| 4:13 Basalira ssaddaaka ku ntikko z'ensozi, ne bootereza obubaane ku busozi, wansi w'emyalooni n'emiribine n'empera, kubanga ekisiikirize kyagyo kirungi: bawala bammwe kyebava beefuula benzi, n'abagole bammwe benda. | 4:13 They sacrifice upon the tops of the mountains, and burn incense upon the hills, under oaks and poplars and elms, because the shadow thereof is good: therefore your daughters shall commit whoredom, and your spouses shall commit adultery. |
| 4:14 Siribonereza bawala bammwe bwe beefuula abenzi, newakubadde bagole bammwe bwe bakabawala; kubanga bo bennyini beeyawula n'abakazi abatambuuzi: n'abantu abaategeera balisuulibwa. | 4:14 I will not punish your daughters when they commit whoredom, nor your spouses when they commit adultery: for themselves are separated with whores, and they sacrifice with harlots: therefore the people that doth not understand shall fall. |

| LUGANDA | NEW INTERNATIONAL VERSION |
|---|--|
| 4:15 Ggwe, Isiraeri, newakubadde nga weefuula omwenzi, naye Yuda aleme okusoiya; so temujjanga e Girugaali, so emwambukanga e Besaveni, so emulayiranga nti Nga Mukama vw'ali omulamu. | 4:15 Though thou, Israel, play the harlot, yet let not Judah offend; and come not ye unto Gilgal, neither go ye up to Bethaven, nor swear, The Lord liveth. |
| 4:16 Kubanga Isiraeri akoze eby'obukakanyavu ng'ente enduusi enkakanyavu: kaakano Aukama alibaliisa ng'omwana gw'eAiga mu kifo ekigazi. | 4:16 For Israel slideth back as a backsliding heifer: now the Lord will feed them as a lamb in a large place. |
| 4:17 Efulaimu yeegasse n'ebifaananyi; muleke. | 4:17 Ephraim is joined to idols: let him alone. |
| 4:18 Bye banywa bikaatuuse: benda olutata; abakulu be baagala inyo ensonyi. | 4:18 Their drink is sour: they have committed whoredom continually: her rulers with shame do love, Give ye. |
| 4:19 Empewo emuaanikidde mu biwaawaatiro byayo; era balikwatibwa ensonyi olwa ssaldaaka zaabwe. | 4:19 The wind hath bound her up in her wings, and they shall be ashamed because of their sacrifices. |
| Koseya 5 | Hosea 5 |
| 5:1 Muwulire kino, mmwe bakabona, era muwulirize, mmwe myumba ya Isiraeri, era mutege matu, mmwe ennyumba ya kabaka, kubanga omusango guno gwammwe; kubanga mwabanga ekyambika e Mizupa, era ekitimba ekyasuulibwa ku Taboli. | 5:1 Hear ye this, O priests; and hearken, ye house of Israel; and give ye ear, O house of the king; for judgment is toward you, because ye have been a snare on Mizpah, and a net spread upon Tabor. |
| 5:2 Era abajeemu bagenze nnyo wansi nga batta; naye nze ndi munenya w'abo bonna. | 5:2 And the revoltors are profound to make slaughter, though I have been a rebuker of them all. |
| 5:3 Mmanyi Efulayimu, so ne Isiraeri tankisibwa: kubanga kaakano, ai Efulayimu, okoze eby'obwenzi, Isiaeri ayoonese. | 5:3 I know Ephraim, and Israel is not hid from me: for now, O Ephraim, thou committest whoredom, and Israel is defiled. |
| 5:4 Ebikolwa byabwe tebibagaanye kukyukira Katonda waabwe: kubanga omwoyo ogw'obwenzi guli mu bo, so tebamanyi Mukama. | 5:4 They will not frame their doings to turn unto their God: for the spirit of whoredoms is in the midst of them, and they have not known the Lord. |
| 5:5 Era amalala ga Isiraeri gaba mujulirwa gy'ali mu maaso ge: Isiraeri ne Efulayimu kyebaliva beesittala mu butali butuukirivu bwabwe: era ne Yuda alyesittalira wamu nabo. | 5:5 And the pride of Israel doth testify to his face: therefore shall Israel and Ephraim fall in their iniquity: Judah also shall fall with them. |
| 5:6 Baligenda n'embuzi zaabwe n'ente zaabwe okunoonya Mukama; naye tebalimulaba: abeeyawuddeko. | 5:6 They shall go with their flocks and with their herds to seek the Lord; but they shall not find him; he hath withdrawn himself from them. |
| 5:7 Bakuusizza Mukama; kubanga bazadde abaana ab'amakiro: kaakano omwezi ogwakaboneka gulibalya wamu n'ennimiro zaabwe. | 5:7 They have dealt treacherously against the Lord: for they have begotten strange children: now shall a month devour them with their portions. |

| LUGANDA | NEW INTERNATIONAL VERSION |
|--|--|
| 5:8 Mufuuwe e**ombe mu Gibeya n'ekkondeere mu Laama: mulaye e**oma e Besaveni; nti Ennyuma wo, ai Benyamini. | 5:8 Blow ye the cornet in Gibeah, and the trumpet in Ramah: cry aloud at Bethaven, after thee, O Benjamin. |
| 5:9 Efulayimu alifuuka matongo ku lunaku olw'okunenyezebwo: mmanyisizza mu bika bya Isiraeri ebyo ebitalirema kubaawo. | 5:9 Ephraim shall be desolate in the day of rebuke: among the tribes of Israel have I made known that which shall surely be. |
| 5:10 Abakungu ba Yuda bali ng'abo abajjulula akabonero k'ensalo: ndifuka obusungu bwange ku bo ng'amazzi. | 5:10 The princes of Judah were like them that remove the bound: therefore I will pour out my wrath upon them like water. |
| 5:11 Efulayimu ajoogeddwa, abetenteddwa mu kusalirwa omusango; kubanga yakkiriza okutambula okugoberera ekiragiro. | 5:11 Ephraim is oppressed and broken in judgment, because he willingly walked after the commandment. |
| 5:12 Kyenvudde mbeera eri Efulayimu ng'ennyenje, n'eri ennyumba ya Yuda ng'okuvunda. | 5:12 Therefore will I be unto Ephraim as a moth, and to the house of Judah as rottenness. |
| 5:13 Efulayimu bwe yalaba endwadde ye, ne Yuda n'alaba ekiwundu kye, kale Efulayimu n'agenda eri Obwasuli n'atumira kabaka Yalebu: naye tayinza kubawonya, so talibavumula ekiwundu kyammwe. | 5:13 When Ephraim saw his sickness, and Judah saw his wound, then went Ephraim to the Assyrian, and sent to king Jareb: yet could he not heal you, nor cure you of your wound. |
| 5:14 Kubanga ndiba eri Efulayimu ng'empologoma, era ng'empologoma ento eri ennyumba ya Yuda: nze, nze mwene, nditaagula ne nvaawo; nditwalira ddala so tewaliba wa kuwonya. | 5:14 For I will be unto Ephraim as a lion, and as a young lion to the house of Judah: I, even I, will tear and go away; I will take away, and none shall rescue him. |
| 5:15 Ndigenda ne nzirayo mu kifo kyange okutuusa lwe balikkiriza okusobya kwabwe, ne banoonya amaaso gange: mu kubonyaabonyezebwa kwabwe mwe balinyiikiriza okunnoonya. | 5:15 I will go and return to my place, till they acknowledge their offence, and seek my face: in their affliction they will seek me early. |
| Koseya 6 | Hosea 6 |
| 6:1 Mujje tudde eri Mukama: kubanga ye yataagula, era ye alituwonya; ye yafumita; era ye alitunyiga. | 6:1 Come, and let us return unto the Lord: for he hath torn, and he will heal us; he hath smitten, and he will bind us up. |
| 6:2 Ennaku bbiri nga ziyiseewo alitulamya: alitugolokosa ku lunaku olw'okusatu, naffe tuliba balamu mu maaso ge. | 6:2 After two days will he revive us: in the third day he will raise us up, and we shall live in his sight. |
| 6:3 Era tumanye, tunyiikire okumanya Mukama; okufuluma kwe kwa nkalakkalira ng'enkya: era alijja gye tuli ng'enkuba, ng'enkuba eya ddumbi efukirira ettaka. | 6:3 Then shall we know, if we follow on to know the Lord: his going forth is prepared as the morning; and he shall come unto us as the rain, as the latter and former rain unto the earth. |

| LUGANDA | NEW INTERNATIONAL VERSION |
|--|---|
| 6:4 Ai Efulayimu, naakukola ntya? ai Yuda, naakukola ntya? kubanga obulungi bwammwe buli**anga ekire eky'enkya era ng'omusulo oguggwaako nga bukyali. | 6:4 O Ephraim, what shall I do unto thee? O Judah, what shall I do unto thee? for your goodness is as a morning cloud, and as the early dew it goeth away. |
| 6:5 Kyennavanga mbatemya bannabbi; nnabassanga ebigambo eby'omu kamwa kange: n'emisango gyo giri**anga omusana ogufuluma. | 6:5 Therefore have I hewed them by the prophets; I have slain them by the words of my mouth: and thy judgments are as the light that goeth forth. |
| 6:6 Kubanga njagala ekisa so si ssaddaaka; n'okumanya Katonda okusinga ebiweebwayo ebyokebwa. | 6:6 For I desired mercy, and not sacrifice; and the knowledge of God more than burnt offerings. |
| 6:7 Naye bo nga Adamu basobezza endagaano: eyo bankuusizza. | 6:7 But they like men have transgressed the covenant: there have they dealt treacherously against me. |
| 6:8 Gireyaadi kibuga ky'abo abakola obutali butuukirivu, kisiigiddwako omusaayi. | 6:8 Gilead is a city of them that work iniquity, and is polluted with blood. |
| 6:9 Era ng'ebibiina eby'abatemu bwe balindirira omusajja, ekibiina ekya bakabona bwe battira bwe batyo mu kkubo erigenda e Sekemu; weewaawo, bakoze eby'obukaba. | 6:9 And as troops of robbers wait for a man, so the company of priests murder in the way by consent: for they commit lewdness. |
| 6:10 Mu nnyumba ya Isiraeri mwe ndabidde ekigambo eky'ekiwe: obwenzi bulabikidde eyo mu Efulayimu, Isiraeri ayoonese. | 6:10 I have seen an horrible thing in the house of Israel: there is the whoredom of Ephraim, Israel is defiled. |
| 6:11 Era naawe, ai Yuda, ebikungulwa byakutekerwawo, bwe ndikom yawo obusibe obw'abantu bange. | 6:11 Also, O Judah, he hath set an harvest for thee, when I returned the captivity of my people. |
| Koseya 7 | Hosea 7 |
| 7:1 Bwe njagala okuwonya Isiraeri, obutali butuukirivu bwa Efulayimu ne bulyoka bulabika, n'obubi bwa Samaliya; kubanga bakola eby'obulimba: n'omubbi ayingira munda, n'ekibiina eky'abatemu banyagira ebweru. | 7:1 When I would have healed Israel, then the iniquity of Ephraim was discovered, and the wickedness of Samaria: for they commit falsehood; and the thief cometh in, and the troop of robbers spoileth without. |
| 7:2 So tebalowooza mu mitima gyabwe nga nze njijukira obubi bwabwe bwonna: kaakano ebikolwa byabwe bo bibazingizizza; biri mu maaso gange. | 7:2 And they consider not in their hearts that I remember all their wickedness: now their own doings have beset them about; they are before my face. |
| 7:3 Basanyusa kabaka n'obubi bwabwe, n'abakungu n'eb'y'obulimba byabwe. | 7:3 They make the king glad with their wickedness, and the princes with their lies. |
| 7:4 Bonna benzi; bali**anga akabiga akakumibwa omwoki w'emigaati; alekera awo okuseesa omuliro ng'amaze okugoya obutta okutuusa lwe bunaamala okuzimbulukuka. | 7:4 They are all adulterers, as an oven heated by the baker, who ceaseth from raising after he hath kneaded the dough, until it be leavened. |

| LUGANDA | NEW INTERNATIONAL VERSION |
|--|---|
| 7:5 Ku lunaku lwa kabaka waffe abakungu beerwaza n'eddalu ery'omwenge: yagolola omukono gwe wamu n'abanyoomi. | 7:5 In the day of our king the princes have made him sick with bottles of wine; he stretched out his hand with scorers. |
| 7:6 Kubanga bategesa omutima gwabwe ng'akabiga, nga bateega: obusungu bwabwe bwebaka ne bukeesa obudde; enkya bwaka ng'omuliro ogwaka. | 7:6 For they have made ready their heart like an oven, while they lie in wait: their baker sleepeth all the night; in the morning it burneth as a flaming fire. |
| 7:7 Bonna babugumye ng'akabiga, ne balya abalamuzi baabwe; bakabaka baabwe bonna bagudde: tewali ku bo ankaabira. | 7:7 They are all hot as an oven, and have devoured their judges; all their kings are fallen: there is none among them that calleth unto me. |
| 7:8 Efulayimu yeetabula mu mawanga; Efulayimu mugaati ogutakyusibwa. | 7:8 Ephraim, he hath mixed himself among the people; Ephraim is a cake not turned. |
| 7:9 Bannaggwanga balidde amaanyi ge, so tamanyi: weewaawo, atobese envi, so tamanyi. | 7:9 Strangers have devoured his strength, and he knoweth it not: yea, gray hairs are here and there upon him, yet he knoweth not. |
| 7:10 mu maaso ge: era naye tebaddanga eri Iflukama Katonda waabwe so tebamunoonyanga, ebyo byonna newakubadde nga bimaze okubaawo. | 7:10 And the pride of Israel testifieth to his face: and they do not return to the Lord their God, nor seek him for all this. |
| 7:11 Era Efulayimu alinnanga ejjiba essirusiru eritalina magezi: bakaabira Misiri, bagenda eri Obwasuli. | 7:11 Ephraim also is like a silly dove without heart: they call to Egypt, they go to Assyria. |
| 7:12 Bwe baligenda, ndibasuulira ekitimba kyange; ndibassa wansi ng'ennyonyi ez'omu bbanga: ndibakangavvula ng'ekku**aanira lyabwe bwe baawuliranga. | 7:12 When they shall go, I will spread my net upon them; I will bring them down as the fowls of the heaven; I will chastise them, as their congregation hath heard. |
| 7:13 Zibasanze kubanga bawabye okunvaako; okuzikirira kubatuukeko! kubanga bansobezza: newakubadde nga njagala okubanunula, era naye banjogeddeko eby'obulimba. | 7:13 Woe unto them! for they have fled from me: destruction unto them! because they have transgressed against me: though I have redeemed them, yet they have spoken lies against me. |
| 7:14 So tebankaabidde n'omutima gwabwe, naye bawowogganira ku bitanda byabwe: baku**aanira e**aano n'omwenge, banjeemera. | 7:14 And they have not cried unto me with their heart, when they howled upon their beds: they assemble themselves for corn and wine, and they rebel against me. |
| 7:15 Newakubadde nga nayigiriza ne nnyweza emikono gyabwe, era naye banteesezzaako obubi. | 7:15 Though I have bound and strengthened their arms, yet do they imagine mischief against me. |
| 7:16 Bakomawo naye si eri oyo ali waggulu; bali ng'omutego ogulimba: abakungu baabwe baligwa n'ekitala olw'okulaluka kw'olulimi lwabwe: kuno kwe kuliba okusekererwa kwabwe mu nsi y'e Misiri. | 7:16 They return, but not to the most High: they are like a deceitful bow: their princes shall fall by the sword for the rage of their tongue: this shall be their derision in the land of Egypt. |

| LUGANDA | NEW INTERNATIONAL VERSION |
|---|---|
| Koseya 8 | Hosea 8 |
| 8:1 Teeka ekkondeere ku mumwa gwo. Ng'empungu bw'atyo bw'ajja okulumba ennyumba ya Mukama: kubanga basobezza endagaano ne boonoona amateeka gange. | 8:1 Set the trumpet to thy mouth. He shall come as an eagle against the house of the Lord, because they have transgressed my covenant, and trespassed against my law. |
| 8:2 Balinkaabira nti Katonda wange, ffe Isiraeri tukumanyi. | 8:2 Israel shall cry unto me, My God, we know thee. |
| 8:3 Isiraeri asudde ekirungi: omulabe alibayigganya. | 8:3 Israel hath cast off the thing that is good: the enemy shall pursue him. |
| 8: Bataddewo bakabaka naye si ku bwange; balonze abakungu nange nga sikimanyi; beekoledde ebifaananyi ne ffeeza yaabwe ne zaabu yaabwe balyoke bamalibwewo. | 8:4 They have set up kings, but not by me: they have made princes, and I knew it not: of their silver and their gold have they made them idols, that they may be cut off. |
| 8:5 Asudde ennyana yo, ai Samaliya; obusungu bwange bubaakiddeko: ebiro biryenkana wa okutuusa lwe baliba n'obutayonoona? | 8:5 Thy calf, O Samaria, hath cast thee off; mine anger is kindled against them: how long will it be ere they attain to innocency? |
| 8:6 Kubanga n'ekyo kivudde mu Isiraeri; omukozi ye yakikola, so si Katonda n'akztono: weewaawo, ennyana ya Samaliya erimenyekamenyeka. | 8:6 For from Israel was it also: the workman made it; therefore it is not God: but the calf of Samaria shall be broken in pieces. |
| 8:7 Kubanga basiga embuyaga, era balikungula embuyaga ez'akazimu: talina **aano emera; ekiti tekiribala mmere; n'okubala bwe kiriba kibaze, bannaggwanga baligiriira ddala. | 8:7 For they have sown the wind, and they shall reap the whirlwind: it hath no stalk; the bud shall yield no meal: if so be it yield, the strangers shall swallow it up. |
| 8:8 Isiraeri aliiriddwa ddala: kaakano bali mu mawanga ng'ekibya ekitaliiko bwe kisanyusa. | 8:8 Israel is swallowed up: now shall they be among the Gentiles as a vessel wherein is no pleasure. |
| 8:9 Kubanga bambuse eri Obwasuli ng'entulege eri emu yokka: Efulayimu aguliridde abaganzi. | 8:9 For they are gone up to Assyria, a wild ass alone by himself: Ephraim hath hired lovers. |
| 8:10 Weewaawo, newakubadde nga bagulirira mu mawanga, kaakano naabaku**aanya; era batanudde okukendeera olw'omugugu gwa kabaka w'abalangira. | 8:10 Yea, though they have hired among the nations, now will I gather them, and they shall sorrow a little for the burden of the king of princes. |
| 8:11 Kubanga Efulayimu ayongedde ebyoto okuleeta okwonoona, ebyoto kyebivudde bibeera gy'ali eky'okuleeta okwonoona. | 8:11 Because Ephraim hath made many altars to sin, altars shall be unto him to sin. |
| 8:12 Newakubadde nga muwandiikira amateeka gange mu biragiro kakumi, biyitibwa kintu kinnaggwanga. | 8:12 I have written to him the great things of my law, but they were counted as a strange thing. |

| LUGANDA | NEW INTERNATIONAL VERSION |
|--|---|
| 8:13 Ssaddaaka ez'ebyange ebiweebwayo, bawaya ennyama okuba ssaddaaka ne bagirya; naye Mukama tabakkiriza: kaakano anajjukira obutali butuukirivu bwabwe n'abonereza olw'ebibi byabwe; balidda mu Misiri. | 8:13 They sacrifice flesh for the sacrifices of mine offerings, and eat it; but the Lord accepteth them not; now will he remember their iniquity, and visit their sins: they shall return to Egypt. |
| 8:14 Kubanga Isiraeri yeerabidde Omukozi we, n'azimba amayumba; era Yuda ayongedde ebibuga ebiriko enkomera: naye ndiweereza omuliro ku bibuga bye, era gulyokya ebigo byabyo. | 8:14 For Israel hath forgotten his Maker, and buildeth temples; and Judah hath multiplied fenced cities: but I will send a fire upon his cities, and it shall devour the palaces thereof. |
| Koseya 9 | Hosea 9 |
| 9:1 Tosanyuka, ai Isiraeri, n'essanyu ng'amawanga; kubanga ogenze ng'oyenda okuva ku Katonda wo, weegomba empeera ku buli gguuliro. | 9:1 Rejoice not, O Israel, for joy, as other people: for thou hast gone a whoring from thy God, thou hast loved a reward upon every cornfloor. |
| 9:2 Egguuliro n'essogolero tebiribaliisa, n'omwenge omusu gulimuggwaako. | 9:2 The floor and the winepress shall not feed them, and the new wine shall fail in her. |
| 9:3 Tebalibeera mu nsi ya Mukama; naye Efulayimu aliddayo mu Misiri, era baliriira mu Bwasuli emmere eteri nnongoofu. | 9:3 They shall not dwell in the Lord's land; but Ephraim shall return to Egypt, and they shall eat unclean things in Assyria. |
| 9:4 Tebalifuka ebiweebwayo eby'omwenge eri Mukama, so talibasanyukira: ssaddaaka zaabwe ziriba gye bali ng'emmere y'abakungubazi; bonna abanaagiryangako baliba boononese: kubanga emmere yaabwe eriba ya kukkutibwa bukkutibwa; teriyingira mu nnyumba ya Mukama. | 9:4 They shall not offer wine offerings to the Lord, neither shall they be pleasing unto him: their sacrifices shall be unto them as the bread of mourners; all that eat thereof shall be polluted: for their bread for their soul shall not come into the house of the Lord. |
| 9:5 Mulikola ki ku lunaku olw'okuku**aana okutukuvu, ne ku lunaku olw'embaga ya Mukama? | 9:5 What will ye do in the solemn day, and in the day of the feast of the Lord? |
| 9:6 Kubanga, laba, bagenze okuva awali okuzikirira, era naye Misiri alibaku**aanya, Menfisi alibaziika: ebintu byabwe ebya ffeeza ebisanyusa emyennyango giribyemala: amaggwa galiba mu weema zaabwe. | 9:6 For, lo, they are gone because of destruction: Egypt shall gather them up, Memphis shall bury them: the pleasant places for their silver, nettles shall possess them: thorns shall be in their tabernacles. |
| 9:7 Ennaku ez'okubonererezaamu zituuse, ennaku ez'okusasuliramu zituuse; Isiraeri alikimanya: nnabbi musirusiru, omusajja alina omwoyo alaluse, olw'olufulube lw'obutali butuukirivu bwo, era okubanga obulabe bungu. | 9:7 The days of visitation are come, the days of recompence are come; Israel shall know it: the prophet is a fool, the spiritual man is mad, for the multitude of thine iniquity, and the great hatred. |
| 9:8 Efulayimu yabanga mukuumi eri Katonda wange: nnabbi, ekyambika eky'omutezi w'ennyonyi kiri mu makubo ge gonna, n'obulabe mu nnyumba ya Katonda we. | 9:8 The watchman of Ephraim was with my God: but the prophet is a snare of a fowler in all his ways, and hatred in the house of his God. |
| 9:9 Beeyonoonye nnyo nnyini nga mu nnaku ez'e Gibeya: alijjukira obutali butuukirivu bwabwe, alibabonereza olw'ebibi byabwe. | 9:9 They have deeply corrupted themselves, as in the days of Gibeah: therefore he will remember their iniquity, he will visit their sins. |

| LUGANDA | NEW INTERNATIONAL VERSION |
|---|---|
| 9:10 Nasanga Isiraeri ng'ezabbibu mu ddungu; nalaba bajjammwe ng'esooka okwengera ku mutiini mu mwaka gwagwo ogw'olubereberye: naye ne baja e Baalipyoli, ne beeyawulira ekyo ekikwasa ensonyi, ne bafuuka ab'emizizo ng'ekyo kye bayagala. | 9:10 I found Israel like grapes in the wilderness; I saw your fathers as the firstripe in the fig tree at her first time: but they went to Baalpeor, and separated themselves unto that shame; and their abominations were according as they loved. |
| 9:11 Efulayimu ekitiibwa kyabwe kiribuuka; kirigenda ng'ennyonyi: tewaliba kuzaala newakubadde ali olubuto newakubadde eggwako. | 9:11 As for Ephraim, their glory shall fly away like a bird, from the birth, and from the womb, and from the conception. |
| 9:12 Newakubadde nga balera abaana baabwe; era naye ndibafisiza, ne wataba muntu asigaddewo: weewaawo, era ziribasanga bwe ndibavaako. | 9:12 Though they bring up their children, yet will I bereave them, that there shall not be a man left: yea, woe also to them when I depart from them! |
| 9:13 Efulayimu asimbibwa mu kifo eky'okwesiima, nga bwe nnalaba Ttuulo: naye Efulayimu alifulumya abaana be eri omussi. | 9:13 Ephraim, as I saw Tyrus, is planted in a pleasant place: but Ephraim shall bring forth his children to the murderer. |
| 9:14 Bawe, ai Mukama: oliwa ki? bawe olubuto olutaasa n'amabeere amakalu. | 9:14 Give them, O Lord: what wilt thou give? give them a miscarrying womb and dry breasts. |
| 9:15 Obubi bwabwe bwonna buli mi Girugaali; kubanga eyo gye nnaba. kyayira: olw'obubi obw'ebikolwa byabwe ndibagoba mu nnyumba yange: siribaagala nate; abakungu baabwe bonna bajeemu. | 9:15 All their wickedness is in Gilgal: for there I hated them: for the wickedness of their doings I will drive them out of mine house, I will love them no more: all their princes are revolvers. |
| 9:16 Efulayimu afumitiddwa, ekikolo kyabwe kikaze, tebalibala bibala: weewaawo newakubadde nga bazaala, era naye nditta ekibala eky'olubuto lwabwe ekyagalwa. | 9:16 Ephraim is smitten, their root is dried up, they shall bear no fruit: yea, though they bring forth, yet will I slay even the beloved fruit of their womb. |
| 9:17 Katonda wange ali basuula kubanga tebaamuwulira: en baliba mmomboze mu mawanga. | 9:17 My God will cast them away, because they did not hearken unto him: and they shall be wanderers among the nations. |
| Koseya 10 | Hosea 10 |
| 10:1 Isiraeri muzabbibu ogwera, oguleeta ebibala byagwo: ng'ebibala bye bwe byali ebingi, bw'atyo bw'ayongedde ebyoto bye; ng'ensi ye bwe yeeyongera okuba ennungi, empagi ze baakola bwe zaabanga ennungi bwe zityo. | 10:1 Israel is an empty vine, he bringeth forth fruit unto himself: according to the multitude of his fruit he hath increased the altars; according to the goodness of his land they have made goodly images. |
| 10:2 Omutima gwabwe gwawukanyeemu; kaakano banaalabika omusango nga gubasinze: alikuba ebyoto byabwe, alinyaga empagi zaabwe. | 10:2 Their heart is divided; now shall they be found faulty: he shall break down their altars, he shall spoil their images. |
| 10:3 Mazima kaakano banaayogera nti Tetulina kabaka: kubanga tetutya Mukama; ne kabaka ayinza kutukolera ki? | 10:3 For now they shall say, We have no king, because we feared not the Lord; what then should a king do to us? |

| LUGANDA | NEW INTERNATIONAL VERSION |
|--|---|
| 10:4 Boogera ebigambo obugambo, nga balayira eby'obulimba mu kulagaana endagaano: omusango kyeguva gumerera mu mbibiro z'ennimiro ng'omususa. | 10:4 They have spoken words, swearing falsely in making a covenant: thus judgment springeth up as hemlock in the furrows of the field. |
| 10:5 Abali mu Samaliya entiisa eribakwata olw'ennyana ez'e Besaveni: kubanga abantu baakyo balikiwuubaalira, ne bakabona baakyo abaakisanyukira, baliwuubaalira ekitiibwa kyakyo, kubanga kikiyuddeko. | 10:5 The inhabitants of Samaria shall fear because of the calves of Bethaven: for the people thereof shall mourn over it, and the priests thereof that rejoiced on it, for the glory thereof, because it is departed from it. |
| 10:6 Era nakyo kiritwalibwa e Bwasuli okuba ekirabo kya kabaka Yalebu: Efulayimu aliweebwa ensonyi, ne Isiraeri alikwatirwa ensonyi okuteesa kwe ye. | 10:6 It shall be also carried unto Assyria for a present to king Jareb: Ephraim shall receive shame, and Israel shall be ashamed of his own counsel. |
| 10:7 Samaliya, kabaka waamu azikiridde ng'ejjovu ku mazzi. | 10:7 As for Samaria, her king is cut off as the foam upon the water. |
| 10:8 Era n'ebifo ebigulumivu eby'omu Aveni, okwonona kwa Isiraeri, birizikirizibwa: amaggwa n'amatovu galimerera ku byoto byabwe; era baligamba ensozi nti Mutubikkeko; n'obusozi nti Mutugweko. | 10:8 The high places also of Aven, the sin of Israel, shall be destroyed: the thorn and the thistle shall come up on their altars; and they shall say to the mountains, Cover us; and to the hills, Fall on us. |
| 10:9 Ai Isiraeri, wayoonanga okuva ku nnaku ez'e Gibeya: baayimirira eyo; olutalo lwe balwana n'abaana ab'obujeemu luleme okubatuukirako mu Gibeya. | 10:9 O Israel, thou hast sinned from the days of Gibeah: there they stood: the battle in Gibeah against the children of iniquity did not overtake them. |
| 10:10 Bwe ndiba nga njagadde, ndibakangavvula; n'amawanga galiku**aanyizibwa okulwana nabo, bwe balisibibwa n'okusobya kwabwe kwombi. | 10:10 It is in my desire that I should chastise them; and the people shall be gathered against them, when they shall bind themselves in their two furrows. |
| 10:11 Era Efulayimu nte nduusi eyigirizibwa, eyagala okusamba e**aano; naye nninnye mu bulago bwe obulungi. Nditeeka ku Efulayimu alimwebagala; Yuda alirima; Yakobo alikuba amavuunike. | 10:11 And Ephraim is as an heifer that is taught, and loveth to tread out the corn; but I passed over upon her fair neck: I will make Ephraim to ride; Judah shall plow, and Jacob shall break his clods. |
| 10:12 Mwesigire mu butuukirivu, mukungule ng'okusaasira bwe kuli; mukabale ettaka lyammwe eritali ddime: kubanga obudde butuuse okunoonya Mukama, okutuusa lw'alijja n'abatonyesaako obutuukirivu. | 10:12 Sow to yourselves in righteousness, reap in mercy; break up your fallow ground: for it is time to seek the Lord, till he come and rain righteousness upon you. |
| 10:13 Mulimye obubi, mukungudde obutali butuukirivu; mulidde ebibala eby'obulimba: kubanga weesiganga ekkubo lyo, olufulube lw'abasajja bo ab'amaanyi. | 10:13 Ye have plowed wickedness, ye have reaped iniquity; ye have eaten the fruit of lies: because thou didst trust in thy way, in the multitude of thy mighty men. |

| LUGANDA | NEW INTERNATIONAL VERSION |
|---|---|
| 10:14 Okusasamala kyekuliva kubeera mu bantu bo, n'ebigo byo byonna birinyagibwa, nga Sulumaani bwe yanyaga Beswaluberi ku lunaku olw'olulalo: nnyaabwe yatandaggirwa wamu n'abaana be. | 10:14 Therefore shall a tumult arise among thy people, and all thy fortresses shall be spoiled, as Shalman spoiled Betharbel in the day of battle: the mother was dashed in pieces upon her children. |
| 10:15 Era bw'atyo Beseri bw'alibakola olw'obubi bwammwe obwenkanidde awo: emmambya bw'eriba ng'esala, kabaka wa Isiraeri alizikirizibwa ddala. | 10:15 So shall Bethel do unto you because of your great wickedness: in a morning shall the king of Israel utterly be cut off. |
| Koseya 11 | Hosea 11 |
| 11:1 Isiraeri bwe yali omwana omuto, namwagala, ne mpita omwana wange okuva mu Misiri. | 11:1 When Israel was a child, then I loved him, and called my son out of Egypt. |
| 11:2 Nga bwe beeyongera okubayita, bwe batyo bwe beeyongera okubavaako: baawangayo ssaddaaka eri Babaali, ne bootereza obubaane ebifaananyi ebyole. | 11:2 As they called them, so they went from them: they sacrificed unto Baalim, and burned incense to graven images. |
| 11:3 Era naye nayigiriza Efulayimu okutambula; nabawambaatira mu mikono gyange; naye tebaamanya nga nze nabawonya. | 11:3 I taught Ephraim also to go, taking them by their arms; but they knew not that I healed them. |
| 11:4 Nabawalula n'emigwa egy'omuntu, n'ebisiba eby'okwagala; era nabanga gye bali ng'abo ababaggyako ekikoligo ekiri ku mba zaabwe, ne nteeka emmere mu maaso gaabwe. | 11:4 I drew them with cords of a man, with bands of love: and I was to them as they that take off the yoke on their jaws, and I laid meat unto them. |
| 11: Talidda mu nsi y'e Misiri; naye Omwasuli ye aliba kabaka we, kubanga baagaana okudda. | 11:5 He shall not return into the land of Egypt, and the Assyrian shall be his king, because they refused to return. |
| 11:6 N'ekitala kirigwa ku bibuga bye, era kirirya ebisiba bye ne kimalawo olw'okuteesa kwabwe bo. | 11:6 And the sword shall abide on his cities, and shall consume his branches, and devour them, because of their own counsels. |
| 11:7 Era abantu bange bamaliridde okudda ennyuma okunvaako: newakubadde nga babayita okudda eri oyo ali waggulu, tewali n'omu akkiriza okumugulumiza. | 11:7 And my people are bent to backsliding from me: though they called them to the most High, none at all would exalt him. |
| 11:8 Naakuwaayo ntya, Efulayimu? naakugabula ntya, Isiraeri? naakufuula ntya nga Aduma? naakussaawo ntya nga Zeboyimu? omutima gwange gukyuse munda yange, okusaasira kwange kwakidde wamu. | 11:8 How shall I give thee up, Ephraim? how shall I deliver thee, Israel? how shall I make thee as Admah? how shall I set thee as Zeboim? mine heart is turned within me, my repentings are kindled together. |
| 11:9 Sirituukiriza busungu bwange obukambwe, siridda kuzikiriza Efulayimu: kubanga nze Katonda so siri muntu; Omutukuvu ali wakati wo: so siri yingira mu kibuga. | 11:9 I will not execute the fierceness of mine anger, I will not return to destroy Ephraim: for I am God, and not man; the Holy One in the midst of thee: and I will not enter into the city. |

| LUGANDA | NEW INTERNATIONAL VERSION |
|--|--|
| 11:10 Balitambula okugoberera Mukama, naye aliwuluguma ng'empologoma: kubanga aliwuluguma, n'abaana abato balijja nga bakankana okuva ebugwanjuba | 11:10 They shall walk after the Lord: he shall roar like a lion: when he shall roar, then the children shall tremble from the west. |
| 11:11 Balijja nga bakankana ng'ennyonyi eva mu Misiri, era ng'ejjiba eriva mu nsi y'e Bwasuli: era ndibatuza mu nnyumba zaabwe, bw'ayogera Mukama. | 11:11 They shall tremble as a bird out of Egypt, and as a dove out of the land of Assyria: and I will place them in their houses, saith the Lord. |
| 11:12 Efulayimu anneetooloozezza obulimba, n'ennyumba ya Isiraeri enneetooloozezza obukuusa: naye Yuda akyafuga awali Katonda, era mwesigwa awali Omutukuvu. | 11:12 Ephraim compasseth me about with lies, and the house of Israel with deceit: but Judah yet ruleth with God, and is faithful with the saints. |
| Koseya 12 | Hosea 12 |
| 12:1 Efulayimu alya mpewo, era agoberera empewo ez'ebuvanjuba: tata kwongera bya bulimba na kuziika; era balagaana endagaano n'Obwasuli, n'amafuta gatwalibwa mu Misiri. | 12:1 Ephraim feedeth on wind, and followeth after the east wind: he daily increaseth lies and desolation; and they do make a covenant with the Assyrians, and oil is carried into Egypt. |
| 12:2 Era Mukama alina empaka ne Yuda, era alibonereza Yakobo ng'amakubo ge bwe gali; alimusasula ng'ebikolwa bye bwe biri. | 12:2 The Lord hath also a controversy with Judah, and will punish Jacob according to his ways; according to his doings will he recompense him. |
| 12:3 Mu lubuto yamukwata muganda we ku kisenziro; era bwe yakula n'aba n'obuyinza eri Katonda: | 12:3 He took his brother by the heel in the womb, and by his strength he had power with God: |
| 12:4 weewaawo, yabanga n'obuyinza ku malayika n'awangula: yakaaba amaziga n'amwegayirira: yamulaba e Beseri, era eyo gye yayogerera naffe; | 12:4 Yea, he had power over the angel, and prevailed: he wept, and made supplication unto him: he found him in Bethel, and there he spake with us; |
| 12:5 Mukama Katonda ow'eggye; Mukama kye kijjukizo kye. | 12:5 Even the Lord God of hosts; the Lord is his memorial. |
| 12:6 Kale kyukira Katonda wo: okwatanga okusaasira n'omusango, omulindiriranga Katonda wo ennaku zonna. | 12:6 Therefore turn thou to thy God: keep mercy and judgment and wait on thy God continually. |
| 12:7 Musuubuzi, minzaani ey'obulimba eri mu mukono gwe: ayagala okujooga. | 12:7 He is a merchant, the balances of deceit are in his hand: he loveth to oppress. |
| 12:8 Efulayimu n'ayogera nti Mazima ngaggawadde, nneefudde ebintu: mu kutegana kwange kwotma tebalindabako butali butuukirivu bwonna obwandibadde ekibi | 12:8 And Ephraim said, Yet I am become rich, I have found me out substance: in all my labours they shall find none iniquity in me that were sin. |
| 12:9 Naye nze ndi Mukama Katonda wo okuva mu nsi y'e Misiri; oliboolyawo ne nkutuza mu weema nga ku nnaku ez'embaga ey'okwewombeekerako. | 12:9 And I that am the Lord thy God from the land of Egypt will yet make thee to dwell in tabernacles, as in the days of the solemn feast. |

| LUGANDA | NEW INTERNATIONAL VERSION |
|---|---|
| 12:10 Era nayogeranga ne bannabbi, era rmyongedde okwolesebwa; era nagereranga engero mu mukono gwa bannabbi. | 12:10 I have also spoken by the prophets, and I have multiplied visions, and used similitudes, by the ministry of the prophets. |
| 12:11 Gireyaadi butali butuukirivu? bo butaliimu bwereere; mu Girugaali gye basalira ente okuba ssaddaaka: weewaawo, ebyoto byabwe biri ng'ebifunvu mu mbibiro z'ennimiro: | 12:11 Is there iniquity in Gilead? surely they are vanity: they sacrifice bullocks in Gilgal; yea, their altars are as heaps in the furrows of the fields. |
| 12:12 Awo Yakobo n'addukira mu nmiro ya Alamu, Isiraeri n'aweereza omukazi, era n'alundira omukazi. | 12:12 And Jacob fled into the country of Syria, and Israel served for a wife, and for a wife he kept sheep. |
| 12:13 Era Mukama n'aggya Isiraeri mu Misiri ku bwa nnabbi, era nnabbi ye yamuwonya. | 12:13 And by a prophet the Lord brought Israel out of Egypt, and by a prophet was he preserved. |
| 12:14 Efulayimu asunguwazizza nnyo nnyini: omusaayi gwe kyeguliva gusigala ku ye, n'ekiwme kye Mukama we alikimusasula. | 12:14 Ephraim provoked him to anger most bitterly: therefore shall he leave his blood upon him, and his reproach shall his Lord return unto him. |
| Koseya 13 | Hosea 13 |
| 13:1 Efulayimu bwe yayogera, ne wabaawo okukankana; yeegulumiza mu Isiraeri: naye bwe yayonoona olwa Baali, n'afa. | 13:1 When Ephraim spake trembling, he exalted himself in Israel; but when he offended in Baal, he died. |
| 13:2 Awo kaakano beeyongerayongera okwonoona, era beekoledde ebifaananyi ebisaanuuse ne ffeeza yaabwe, esanamu ng'amagezi gaabwe bo bwe gali, zonna mulimu gwa mukozi: bazooogerako nti Abasajja abasalassaddaaka banywegere ennyana. | 13:2 And now they sin more and more, and have made them molten images of their silver, and idols according to their own understanding, all of it the work of the craftsmen: they say of them, Let the men that sacrifice kiss the calves. |
| 13:3 Kyebaliva babeera ng'ekire eky'enkya, era ng'omusulo oguggwaako nga bukyali, ng'ebisusunku embuyaga ez'skazimu bye zitwala okubiggya mu gguuliro, era ng'omukka oguva mu kituli ogufuluma. | 13:3 Therefore they shall be as the morning cloud and as the early dew that passeth away, as the chaff that is driven with the whirlwind out of the floor, and as the smoke out of the chimney. |
| 13:4 Era naye nze ndi Mukama Katonda wo okuva mu nsi y'e Misiri; so naawe tolimanya Katonda mulala wabula nze, so tewali mulokozi wazira nze. | 13:4 Yet I am the Lord thy God from the land of Egypt, and thou shalt know no god but me: for there is no saviour beside me. |
| 13:5 Nakumanyira mu ddungu, mu nsi ey'ennyonta ennyingi. | 13:5 I did know thee in the wilderness, in the land of great drought. |
| 13:6 Ng'edduro lyabwe bwe lyabanga, bwe bakkutanga bwe batyo; bakkuta, omutina gwabwe ne gavegulumiza; kyebavudde banneerabira nze. | 13:6 According to their pasture, so were they filled; they were filled, and their heart was exalted; therefore have they forgotten me. |
| 13:7 Kyenvudde mbeera gye bali ng'empologoma: ng'engo nditeegera mu kkubo: | 13:7 Therefore I will be unto them as a lion: as a leopard by the way will I observe them: |

| LUGANDA | NEW INTERNATIONAL VERSION |
|---|--|
| 13:8 ndisisinkana nabo ng'eddubu enyagiddwako abaana baayo, era ndiyuza olubiko olw'oku mutima gwabwe: era ndibaliira eyo ng'empologoma; ensolo ey'omu nsiko eribataagula. | 13:8 I will meet them as a bear that is bereaved of her whelps, and will rend the caul of their heart, and there will I devour them like a lion: the wild beast shall tear them. |
| 13:9 Kwe kuzikirira kwo, ai Isiraeri, kubanga oli mulabe wange, omulabe w'omubeezi wo. | 13:9 O Israel, thou hast destroyed thyself; but in me is thine help. |
| 13:10 Kabaka wo nno ali ludda wa, akulokole mu bibuga byo liyonna? n'abalamuzi bo be wayogerako nti Mpa kabaka n'abakungu? | 13:10 I will be thy king: where is any other that may save thee in all thy cities? and thy judges of whom thou saidst, Give me a king and princes? |
| 13:11 Nkuwadde kabaka nga ndiko obusungu, era mmuggyeewo nga ndiko ekiryu. | 13:11 I gave thee a king in mine anger, and took him away in my wrath. |
| 13:12 Obutali butuukirivu bwa Efiilayimu busibiddwa; ekibi kye kitere keddwa. | 13:12 The iniquity of Ephraim is bound up; his sin is hid. |
| 13:13 Obubalagaze bw'omukazi alumwa okuzaala bulimutuukako: ye mwana atalina magezi; kubanga ekiseera kituuse aleme okulwa mu kifo omuyita abaana nga bazaalibwa. | 13:13 The sorrows of a travailing woman shall come upon him: he is an unwise son; for he should not stay long in the place of the breaking forth of children. |
| 13:14 Ndibanunula eri amaanyi ag'amagombe; ndibagula okuva eri okufa: ggwe okufa, ebibonoobono byo biri ludda wa? ggwe entaana, okuzikiriza kwo kuli ludda wa? okwenenya kulikwekebwa amaaso gange. | 13:14 I will ransom them from the power of the grave; I will redeem them from death: O death, I will be thy plagues; O grave, I will be thy destruction: repentance shall be hid from mine eyes. |
| 13:15 Newakubadde ng'alina ebibala bingi mu baganda be, embuyaga ez'ebuvanjuba zirijja, omukka gwa Mukama ogulinnya okuva mu ddungu, oluzzi lwe ne lukalira, ensulo ye n'eggwaawo: alinyaga ebibya byonna ebisanyusa ebyaterekebwa. | 13:15 Though he be fruitful among his brethren, an east wind shall come, the wind of the Lord shall come up from the wilderness, and his spring shall become dry, and his fountain shall be dried up: he shall spoil the treasure of all pleasant vessels. |
| 13:16 Samaliya alibaako omusango gwe; kubanga ajeemedde Katonda we: baligwa n'ekitala; abaana baabwe abawere balitandaggirwa, n'abakazi baabwe abali embuto balibaagibwa. | 13:16 Samaria shall become desolate; for she hath rebelled against her God: they shall fall by the sword: their infants shall be dashed in pieces, and their women with child shall be ripped up. |
| Koseya 14 | Hosea 14 |
| 14:1 Ai Isiraeri, komawo eri Mukama Katonda wo; kubanga ogudde olw'obutali butuukirivu bwo. | 14:1 O israel, return unto the Lord thy God; for thou hast fallen by thine iniquity. |
| 14:2 Mutwale ebigambo wamu nammwe, mukomewo eri Mukama: mumugambe nti Ggyawo obutali butuukirivu bwonna, okkirizeeko ebirungi: bwe tutyo tunaasasula ekiweebwayo eky'omu mimwa gyaffe, ng'ente ennume | 14:2 Take with you words, and turn to the Lord: say unto him, Take away all iniquity, and receive us graciously: so will we render the calves of our lips. |

| LUGANDA | NEW INTERNATIONAL VERSION |
|--|---|
| 14:3 Asuli talituwonya; tetulyebagala embalaasi: so tetuligamba nate mulimu gwa mikono gyaffe nti Mmwwe muli bakatonda baffe: kubanga eri ggwe atalina kitaawe gy'alabira okusaasirwa. | 14:3 Asshur shall not save us; we will not ride upon horses: neither will we say any more to the work of our hands, Ye are our gods: for in thee the fatherless findeth mercy. |
| 14:4 Ndiwonya okudda kwabwe ennyuma, ndibaagala ku bwange: kubanga obusungu bwange bukyuse okumuvaako. | 14:4 I will heal their backsliding, I will love them freely: for mine anger is turned away from him. |
| 14:5 Ndiba eri Isiraeri ng'omusulo: alimulisa ng'eddanga, era alisimba emizi gye nga Lebanooni. | 14:5 I will be as the dew unto Israel: he shall grow as the lily, and cast forth his roots as Lebanon. |
| 14:6 Amatabi ge galiranda, n'obulungi bwe buliba ng'omuzeyituuni, n'akaloosa ke nga Lebanooni. | 14:6 His branches shall spread, and his beauty shall be as the olive tree, and his smell as Lebanon. |
| 14:7 Ababeera wansi w'ekisiikirize kye balikomawo; balirama ng'e**aano, ne bamulisa ng'omuzabbibu: akawoowo ke kaliba ng'omwenge ogwa Lebanooni. | 14:7 They that dwell under his shadow shall return; they shall revive as the corn, and grow as the vine: the scent thereof shall be as the wine of Lebanon. |
| 14:8 Efulayimu alyogera nti Nkyafaayo ki eri ebifaananyi? Nze njitabye, era ndissaayo omwoyo eri ye: nninga omuberosi omugimu; ebibala byo birabika okuva gye ndi. | 14:8 Ephraim shall say, What have I to do any more with idols? I have heard him, and observed him: I am like a green fir tree. From me is thy fruit found. |
| 14: 9 Ani alina amagezi n'ategeera bino? ani alina obukabakaba n'abimanya? kubanga amakubo ga Mukama ga nsonga, n'abatuukirivu banaagatambulirangamu; naye abasobya banaagwanga omwo. | 14:9 Who is wise, and he shall understand these things? prudent, and he shall know them? for the ways of the Lord are right, and the just shall walk in them: but the transgressors shall fall therein. |